**25th August 2019.**

# MU YESU KRISTO MWE TULABIRA ERA NE TUTABAGANIRA NE KATONDA.

**Abakolosaayi 1:15-20.**

Mu kweyongerayo kwaffe okusomesebwa okuva mu bbaluwa ya Paulo Omutume, eri Abakolosaayi, ng'omulamwa omukulu ogw'ekitabo kino bwe guli, "Obusukkulumu bwa Yesu Kristo", nga twakamala okulaba nga bwe kiri ekikulu okumanya Mukama, ekisobozesebwa okusaba Mukama ottuwa okumumanya n'okumutegeera tube n'amagezi gonna n'okutegeera okw'omwoyo. Tutambulenga nga tusiimibwa Mukama era nga tumusanyusa mu buli byonna bye tukola, era nga tubala ebibala mu buli mulimu omulungi, era nga tukula mu kutegeera Katonda. Olwo amaanyi ag'ekitiibwa kye, gatufuule abagumiikiriza mu buli nsonga yonna, tulyoke tusanyukire mu butuukirivu bw'okwagala kwe gye tuli.
Leero tulaba ekitundu ekirimu ekinyusi ky'omulamwa gw'ekitabo, nga bwe gwaali nti Omutume Paulo yalina okutegeeza Ab'oluganda e Kolosaayi awamu naffe ababuzaabuzibwa abayigiriza obukyaamu ki Yesu Kristo kyaali.
Era nga bwe tweetegereza ennyiriri ze twaasoma omulundi ogwaggwa, ziraga gye yakijja ng'akyolesa nga Yesu Kristo bwe yali Omulokozi, bwe yatuwonya n'atuggya mu maanyi g'ekizikiza aga Setaani, n'atutwala mu bwakabaka bwe, era n'atusonyiwa ebibi byaffe, n'atufuula ba ddembe…. Nny. 13,14…….

Okwo kwe yayongera okkakasa obuyinza bwa Kristo Yesu ng'Omutonzi era Omutabaganya w'abantu n'ebintu byonna eri Katonda, ng'alwanyisa engigiriza enkyaamu eyali ebaluseewo nti obutonde bwonna bukyaamu (evil), n'olw'ekyo Yesu Kristo teyalina mubiri, kubanga emibiri butonde, ate nga gutwaalwa ng'ekibi…..(asceticism).

Yabagamba mu nny. 15 – 20, nti…….

***Lnny 15.*** ……Biwerako ebyawandiikibwa ebiggumiza eky'okuba nti Yesu Kristo kye kyaali ekifaanani kya Katonda ekijjuvu era ekitereevu.
Baebb. 1:3 "Amasamasa n'ekitiibwa kya Katonda, era ky'ekifaananyi kye ddala bw'ali, era abeezaawo buli kintu olw'ekigambo ky'amaanyi ge."

Yokaana 14:7-11……

Obutonde bwonna bwolesa okubaawo kwa Mukama Katonda, amaanyi ge, ekitiibwa kye, amagezi ge, n'embala ze zonna, ng'ekisa n'okwagala kwe, kyokka mu Yesu Kristo mwokka mwe mwaali eky'okulabirako ky'ekikula kye n'olw'ekyo alina kuba nga naye Katonda mweene…

***Lnny 16.*** …… Nga bwaali eyatonda buli kimu, ye kkennyini teyatondwa….

Yokaana 1:3,4 "Ebintu byonna byatondebwa ku lulwe, era tewaliiwo kintu na kimu ekyatondebwa nga taliiwo. Mu ye mwe mwali obulamu; era obulamu buno ne buba ekitangaala eri abantu."

…..ebintu byonna byatondebwa nga biyita mu ye era ku lulwe.

***Lnny 17.*** …….. Ekitegeeza nti y'awanirira buli kimu mu kubeerawo kwakyo.

Obutonde bwonna bubeezebwaawo Mukama, ng'omuwandiisi w'Abaebbulaniya bwe yagamba nti "abeezaawo buli kintu olw'ekigambo ky'amaanyi ge".

***Lnny 18.*** …… Ekkanisa mubiri, ate nga mubiri gwa Yesu Kristo….

I Abakko12:12,13 "Kuba omubiri nga bwe guli ogumu, ne guba n'ebitundu bingi, ate ebitundu byonna ne byegatta ne biba omubiri gumu, kale, ne Kristo bw'ali bw'atyo. Bwe tutyo ffenna twabatizibwa mu Mwoyo omu, ne tufuuka omubiri gumu, oba Bayudaaya, oba baamawanga, oba baddu, oba ba ddembe, era ne tunywa ku Mwoyo oyo omu."

Mu Luyonaani "Omutwe" kyaali kitegeeza "ensibuko era omukulembeze"… Era bwe kiri nti mu Yesu Kristo Ekkanisa mw'esibuka, era ye mukulembeze waayo.

***Nny. 19,20.*** …….

Abakolosaayi 2:9,10 "Kubanga mu Kristo okutuukiriza kwonna okw'Obwakabaka mwe kulabikira mu mubiri, era mmwe nga muli mu ye, mwatuukirira mu ye, oyo Kristo omutwe gw'obufuzi bwonna n'obuyinza bwonna."

II Abakk.5:17-19 N'olw'ekyo omuntu yenna bw'abeera mu Kristo, aba kitonde kiggya; eby'edda nga bigenze, laba ng'afuuse muggya. Ebintu byonna biva eri Katonda eyatukomyawo gy'ali nga tuyita mu Kristo, era ne tuweebwa obuweereza obw'okutabaganya. Kubanga Katonda yali mu Kristo, ng'atabagana n'abantu, nga tababalira, bibi byabwe, n'atuteresa ffe obubaka obw'okutabaganya.